(6)

OBWAKABAKA BWE BUGANDA.

E T E K A.

ETEKA ERRONGOSEZA ETEA LYA BUSULU NE NVUJO. 1934.

LITEKEDWA HIS HIGHNESS KABAKA WE BUGANDA ERA AWAMU N'OKUTESA KW'OLUKIKO LW'OBWAKABAKA BWE BUGANDA ERA AWAMU NO KUKIRIZA KW'OWEKITIBWA GAVANA.

1. ETEKA lino linaitibwanga Eteka lya Busulu ne Nvujo Edongose elyomwaka 1934, era linasomerwanga wamu ne Teka lya Busulu ne-Nvujo eryo mwaka 1927, erimanyidwa nga lye Teka ekulu.

2. Ekitundu ekyokuna eky'Eteka ekulu mu lunyiriri olwo musanvu nga omaze okusoma ekigambo "mwenge" kijuludwa nemuingizibwamu ebigambo bino "era nokuwa mukamawe ekita kyo mwenge ku buli muilo ekyenkanankana ne Gallons 4 (nya), Era omukopi taganibwenga kuwa Shs-2/- mu kifo kyokuwayo ekita kyo mwenge".

Litekedwako omukono eMengo lero kulunaku olwa 27/th, olwomwezi gwa April, 1934.

DAUDI CHWA,
KABAKA WE BUGANDA.

Ebaluwa ya P.C yagiwandika 13th may 1938.
yatukako June 2. 1938
laba omulamuzi ampita
mamwezi guno okitomber
okusomera esara eyamuwebwa "1938"
wakaitawo ebanga lyamyezi mukaga 6.

ETEKA ERYA BUSULU NE NVUJO 1927.

AKEDWA HIS HIGHNESS KABAKA WE BUGANDA AWAMU NOKUKIRIZA KWO LUKIKO OLWO-WAKABAKA BWE BUGANDA ERA NOKUKIRIZA KW'OWEKITIBWA GAVANA.

1, Eteka lino linaitibwanga "Eteka lya Busulu ne Nvujo erya 1927", lilitandika okukola ku lunaku olwa 1st, olwa January 1928.

2, Buli musaja yena awa omusolo ogwe mitwe owe kibanja oba atalina kibanja anaberanga ku taka lya Nanyini Mailo, anawanga Obusulu obwa buli mwaka obwa Shs, 1o/- era omukopi taganibwenga kukola namikono mukifo kya Shaza Busulu okumara ebanga lya mwezi gumu.

3, Omukopi bwatawenga Obusulu bwa Nanyini mailo anawawabilwanga mu Gombolola, buli mwaka omukopi tabanjibwenga Busulu nga tanaba kutukiriza bino ebimubanjibwa nungari eno: Okuwa omusolo ogwe mitwe two, era n'Oluwalo, ku munta akirizibwa okusasula Shillings mukifo kyokukola ne mikono, naye bwanasusanga September 3o, nga tanasasula Luwalo, Mukasawe ananga nobuinza okumubanja Busulubwe.

4, Okusasula kwa Busulu okwe kunawanga omukopi obuinza okwerimira kululwe ne kulwa bantube mu makage nga bwayagala, emere ne bibala ebyengeri endala yona, wabula ebyo ebyogedwako mu "Sehedule" eyoluberyeberye mu Teka lino, era nokubitunda awatari kuziizibwa, era awatari kusasula kintu kirala nate, wabula okutukiriza ebyo ebimuragidwa mu Teka lino era nokusasula ekita kyo mwenge buli muilo, era bwekityo nekumituba egiri mu kibanjakye kunagibwanga ngako omutuba gumu ku buli mituba etano okukoma ku mituba ebiri, Naye kitegerebwe nti omuwendo ogwe mituba omukopi gyarina bwegutawerenga etano tegugibwengako Nvujo.

5, Pamba, Emwanyi oba ebibala ebivamu amagoba ebyengeri endala ebinabanga biyingizidwa olusi nolusi mu "Sehedele" eyoluberyeberye eye Teka lino bwebinarimibwanga omukopi ku kibanjakye kyenyini oba walala wona ku taka lya Nanyini mailo eyo, omukopi oyo anasasuranga ensimbi mukifo kye Nvujo omuwendo gwayo ogutekadwawo nga gugerageranyizibwa ne nfanana eye Saza ekibanja ekyo gyekirimu nga bwekiwandikidwa mu "Sehedele" eyokubili eye Teka lino, naye obunene bwe taka erirmidwako Pamba oba Emwanyi oba ebibala ebirala ebivamu amagoba (nga bwekinyonyodwa wagulu) tebusukenga Eka emu.

6...

6. Emisiri gya Pamba oba Mwanyi oba ebibala eginarimibwanga bwegiti:- bweginasukanga Eka emu obunene omuwendo omulala era oguwandikidwa mu "Schedule" eyokubiri gunasasuribwanga Nanyini mailo wabula kyoka okulima emisiri gya Pamba ne Mwanyi oba egye bibala ebirala ebivamu amagoba egisuka Eka esatu obunene, ekyo kinabanga kyakutesa nokutabagana wakati wo'Mulimi ne Nanyini mailo, era ekyo tekifugibwenga Biragiro bya Teka lino.

7. Nanyini Mailo anawanga eTikiti eri omuntu asasude Busulu ne Nvujo, era nomulimu gwa mukorede nga bwekiri mu teka lino.

8, Tewari kigambo kyona ekiri mu mbitundu ebyo wagulu ekiwa omukopi obuinza okwazika omuntu omulala ekibanjakye oba ekitundu ekye kibanjakye olwokufuna amagoba.

9, Tewari kigambo kyona ekiri mu Teka lino ekigyawo obuyinza bwa Nanyini mailo nga omuntu yafuna etaka okugoberera Endagano 1900 wabula nga bwekimaze okutegezebwa mu Teka lino, naye kiragidwa nti:-

(a) Nanyini mailo anawanga Abakopibe awateri kubawozako kintu kirala nate, wabula Busulu bwoka, obuinza obwokulundiranga ebisolo byabwe mu mailoye, no buinza ku Mg'ugo eteri nsime nokutema emiti (wabula emiti egyomuwendo omunene, era negyo nanyini mailo gyeyesimbira) nokutyaba enku era nokukozesa ebirala byona ku mailo nga bwekyakirizibwa Abaganda okukolanga ku taka lya Gavumenti Engeresa, nga bwekyaraganibwa mu Ndagano ze Bibila, naye kiragidwa wano nti ebyo bisana okukozesebwa mungeri entufu era nobutakozesebwa mungeri eyokwefuniramu amagoba; era tewari miti gyona egyokuzimba eginatemebwanga wabula nga Nanyini Mailo amaze okutegezebwa.

(b) Nanyini mailo anakirizibwanga okuwoza kubye Nyanja ekitundu ekye lo, bwansbanga atukiriza Ebiragiro bya Mongota byona ebiragira okusawanga Miyalo ne bifo ebivubilwamu, Naye kitegerebwe nti Nanyini mailo bwatainzeera ne Gavumenti Eng'anda enetwarangako ekitundu ekyo 5.

10, Omukopi kululwe anauriranga Nanyini mailo nokumusamu ekitibwa nga bwekiri mumateka gensi nemu mpisa yensi, nadala omukopi kinamusaniranga mukisera kyona nga akyali ku taka okwo era bwanabanga asenguka mukibanjakye okukuma obulungi etaka namayumba nebyo byona ebiriko era byona anabirekanga mu mbera anungi nga asenguka.

11, Tewali mukopi yena anayinzanga okugobebwa mu kibanjakye, wabula olwemirimu egyokugasa ensi oba olwensonga endala etegerekeka entufu, era nga amaze nokuwozesebwa mu Lukiko lwa Gombolola efuga ekitundu ekyo ekibanjja gyekiri naragilwa okugobwa, era ekiragiro ekyokumugoba kinabanga mubuwandike, era mu kopi satu, kopi emu enewebwanga Nanyini mailo, kopi endala eneweb wanga.

28

enewebwanga oyo omukopi obanga ye tariwo enewebwanga omusigirewe, kopi endala eneterekebwanga mu File yo musango; okujulila kwona okunarabikanga mu misang egyengeri eyo eyogedwako kunaitanga mungeri eyabulijo eyokujulila era nga omukopi akyajuride bwatyo okujurilakwe nga tekunagwa anakirizibwanga okubera mu kibanjakye era nokutwara ebibarabye ebikungulwa okutusa ekiragiro ekimuragira okuva mu kibanja bwekirifunibwa okuva mu Gombolola gyakomye okujulira oba ekisera kyokujulirakwe lwekirigwako nga tanajurila.

12, Omukopi bwanarekanga ekibanjakye nga kyerere okumala ebanga lya myezi mukaga, nga temuli mukaziwe oba omuntu omulala era obanga teyafuna kukirizibwa okuva eri Nanyini mailo, era Nanyini mailo anabanga nobuinza okugaba ekibanja ekyo eri omuntu omulala naye nga Nanyini mailo tanakigaba anamaranga okwanjula ekigambo kino eri Owagombolola era Owagombolola anamaranga kumukirizanga nokumuwa ekiragiro ekyokutekamu omuntu omulala, era eyali nanyinikyo tawebwanga Ngasi mu Taka lino.

13, Gombolola bwenebanga ekola ekiragiro ekyokugoba enemaranga kukebera nokwekanya ebintu omukopi byasana asasuribwe Nanyini mailo, oba okusasulwa oyo mu, era nebilala ebifanana nga ebyo era aingira ekibanja ekyo nga emiti gyeyesimbira kululwe, amayumba agakyali amaramu, era Gombolola enetegezanga bulungi mukiragiro kyenerabanga nga kyekisanira, era omuwendo gwona ogusana okusasula mungeri eyo, oba eneragiranga ekiragiro mungeri eyo gunabanga tegunasasuribwanga oba ekiragiro nga tekinatukirizibwa ekiragiro kyokugoba tekibengako kyeinza kukola, Wabula bino wansi byebinakolebwanga nga kimaze okwekanyizibwa obulungi nokukeberebwa Ababaka, omuwendo ogwo ogunabanga guragidwa okusasura nga bwekilagidwa wagulu gunasasuribwangako Nanyini mailo byanabanga avunana olwokwonona ekibanja oba olwenima'mbi oba olwemiti omukopi gyebamuwa okuzimbisa enjuye oba olwokumenya empisa yensi enungi emanyidwa munsonga eno, naye kyoka tewari kinayizanga mukopi okukungura mu kibanjakye Pamba ne Mwanyi ne bibala ebifanana bwebityo, wabula nga yamara'daa okusenguka.

14, Omukopi nga asikide ekibanja anarekebwanga mu kibanja ekyo awatali kumugobamu nga empisa yensi bweli.

15, Okutunda oba okumuwanyisa oba okugaba mailo tekugyawo mirimu omukopi gyaragilwa okukola oba okujulula engeri gyarimu mu kibanjakye mu Teka lino oba mu mpisa yensi.

16.....

2C

16, Tewari kigambo kyona mu Teka lino ekigyawo obuyinza bwa Gavumenti Engereza oba Gavumenti Eng'anda okugoba omuntu mu kibanjakye nga kibade kigidwa ku Nanyini mailo obanga kimweyazikidwako olwemirimu egyokugasa ensi, naye okugoba bwekunabanga ku Gavumenti eng'anda Clukiko lunarabanga eng'asi entufu neryoka emusasulibwa.

17, Ebikolwa bino ebinyonyodwa wansi anabikolanga azanga omussngo mu Teka lino:-

A, Kului lw'Omukopi byebino:-

(a) Bwaneganangа wwateri nsonga nungi okuwa Envujo eragilwa mu kitundu ekyo 4.

(b) Bwanayazikanga Mkibanjakye oba ekitundu kye kibanjakye oku_ funamu amagoba.

(c) Bwanakozesanga obubi obuinza obwo obwaaunwebwa mu kitundu ekyomwenda (a) okutema emiti oba okutyaba emku olwokukozesa ye kulalwe.

(d) Bwanavanga mu kibanjakye nalema okuleka akibanja ekyo mu mbera enungi.

B, (Ate kului lwa Nanyini mailo:-

(a) Bwansaabanga Obusulu nga ekisera ekiwerwamu tekinaba.

(b) Bwanayagaranga okuziiza omukopi obutarima mere oba ebibala ebilala oba ebyo ebiri mu "Schedule" nga bwekigambidwa mu kitundu 4 ekyo 5 nekyo 6.

(c) Bwanasaranga olukwe okugoba omukopi awatari kiragiro kya Wagombolola obanga akyali mu kisera ekyokujulila nga bwekiri mu kitundu 11 oba ne kisera ekyokujurilekwe nga tekinaba kugweko.

(d) Bwanatabulatabulanga embera enungi eyomukopi asikide ekiba_ nja ekyo nga empisa yensi bweri.

18, Buli anamenyanga ekitundu mu Teka lino nga bwekitegezebwe wagulu anainzanga okubonerezebwa no mutango ogutasuka Shs,100/- nga zimubuze xxx Gombolola enerabanga oyo aziza omusango okusibwako ekiboneregzo ekyokusibibwa obutasuka myezi esatu nga okola namanyi oba okumusiba obusibi mu komera awatali kumukozesa mirimu nemenyi.

19, Tewali kigambo kyona mu Teka lino ekinalowozebwanga nti kiziiza Nanyini mailo okusnyiwa Abakopibe obutawa Busulu oba empoza okubikendezako nga ye bwalabyo bwekisanide okulowoza ku mbera yebwe nga bweri, naye kino kinabanga mu buinzbwe ye yeka.

20, Tewari kigambo kyona mu Teka lino ekigyawo eteka lya Mailo erya 1908.

21, Eteka eryokusoloza omusolo erya 1904 limanyedwa.

21

32, Kteka lino liridibwamu okutesebwako oba okulijululula mu banga eryo myaka essatu nga teginagwako era no lupapula "Sehedule" olumenya ebibala ne Nvujo lumainzanga okujululwa Kabaka mu kisera kyona nga amaze okutesa no Lukiko era nga n'Omwekitibwa Gavana nga amaze okukiriza nga agobereela ebigambo ebiri mu Ndagano enkulu eyo 1900 bwebiragira.

Lisibwako omukono oMenge lero ku lunaku olwokuna olwo mwezi gwa July, 1927.

Daudi Chwa,
KABAKA WE BUGANDA.

SEHEDULE EYOLUBERYEBERYE.

Pamba.
Mwanyi - Omukopi nga alima emiti gye Mwanyi egisuka okumi obungi egisala obulungi.

SEHEDULE EYOKUBIRI.

Amatwale	Ensaza	Busulu	Omusiri ogutasuka Eika emu, asokakuwa	Emsimbi mu kifo Kyenvu Omusiri ogusuka Eika emu naye ogutasuka Eika satu aneyongera ngako okuwa.
Menge	Amasaza gona	10/-	4/-	4/- Endala
Mpebbe	"	10/-	4/-	4/- "
Masaka do	Buddu ne Koki	10/-	4/-	4/- "
Mubende do	Kabula, Kawogola	10/-	2/-	2/- "
	Singo,	10/-	4/-	4/- "
	Amasaza amalala gona.	10/-	2/-	2/- "

21